# Aba UVTAB bakyusizza mu ngeri gye bagolola ebigezo by'abayizi

Bya SHARON NABASIRYE

EKITONGOLE ekibaga n'okugolola ebigezo by'amasomo g'ekikugu ekya Uganda Vocational and Technical Assessment Board (UVTAB) kitandise okugolola ebigezo by'abayizi abasomera ku mirimu kwennyini gye bakola.

Ekitongole kino kyakugolola abayizi 12,976 mu bifo 161 okwetooloola eggwanga. Abayizi abali mu kugololwa beebo abakola emirimu ng'okukanika emmotoka, amasimu okuluka, okubajja, okufumba, okukola mu wooteeri n'ebirala.

Omwogezi w'ekitongole kino, Naras Kambaho agamba nti, emyaka emikadde ekitongole kibaddenga kigolola abayizi buli mwezi naye okutandika n'omwaka guno 2026, abayizi baakugololwanga buli luvannyuma lwa myezi 3.

Kambaho akubirizza buli munnansi okwewandiisa n'amatendekero agamanyiddwa nga UVTAB okusobola okukakasa obukugu bwabwe, oluvannyuma baweebwe satifikeeti ezinaabayambako okufuna emirimu n'okweyongerayo n'emisomo.

Omu ku bayizi abaagezeseddwa UVTAB, Sumayiya Mbwale omuyizi ku Akola Academy e Busowoko mu Jinja City, agamba satifikeeti eno yaakumuyamba okufuna emirimu oluvannyuma kimusobozese okweyongerayo n'emisomo gye, okutuukiriza ebirooto bye.

Dayirekita wa Akola Academy e Busowoko mu Jinja City, Vivian Mirembe agamba nti, bakyalina okusoomoozebwa kw'abantu abatannakkiririza mu nteekateeka ya Gavumenti eno, ekirese abaana bangi emabega.



Abayizi ku Akola Academy nga bakola juyisi mu kigezo ky'okufumba.